Awatali Ssente Oba Awatali Muwendo

Weewaawo mukisa gwa maanyi okukomawo nate mu kkuŋŋaaniro, enkya ya leero. Nneewuunyizza . . . Ow'oluganda Neville agambye nti bangi ku bali emabega babadde tebawulira. Ab'emabega, kati mumpulira bulungi? Kiteredde? Kale. Ndi—ndi mutono, n'olwekyo nnina okuleekaana ennyo abantu basobole okumanya nti wendi.

2 Kati, nzijukira olumu bwe nnali nkyakola mu Kitongole ky'Amasannyalaze. Nnali nninnyalinnya amadaala . . . Era nateranga okwambala agagato aganene, nga galimu obusumaali wansi, okusobola okuwalampa emiti gy'amasannyalaze emiwanvu. Kati nnali nninnyalinnya amadaala. Muky. Ehalt, mukwano gwange, yali ayimiridde we bateekerako amasannyalaze. Nkakasa Mw. Ginther ali erudda awo amujjukira, bulungi. Kati Edith kye yava aŋŋamba nti, "Billy, ggwe asingayo okukola kerere, mu bantu abatono, be nnali ndabye." Natambulanga nkoona agagatto gano agaalina obusumaali wansi, nga bwe nninnyalinya amadaala.

3 Kye nnava mmugamba nti, "Omanyi, Edith, ndi mutono nnyo, kale mba nnina okukakasa buli omu nti nange wendi, y'ensonga lwaki ndekaanya agagatto ago."

4 Kati, mbadde ŋŋenze okubaako essimu gye nnyanukula. Ow'oluganda Neville aŋŋambye nti mukwano gwaffe omulungi, Ow'oluganda Roy Roberson, tasobodde kubeera mu lukuŋŋaana luno enkya ya leero, kubanga mulwadde. Alina . . . Alina erinnyo eryabikkibwa ekibuno ne litamera bulungi. Eryamuleetera obulwadde, ne limuviirako okufuna omusujja. Era kati ndowooza, balina okuliggyamu, amangu ddala. Kati Roy abadde nga taata waffe fenna wano, era tumwagala. Era mmugambye nti, "Ow'oluganda Roy, ŋŋenda—ŋŋenda kuyingira mu lukuŋŋaana, mu kaseera kano kennyini, mu ddakiika ntono nnyo." Ne mmugamba nti, "Ŋŋenda kusaba ekkanisa ffenna wamu tukusabire, enkya ya leero," n'enkya, bw'anaaba agenze, okukola ku linnyo lino. Erinnyo lyakula nga lyagerekera, oba ekintu bwe kityo, lyakula bubi, kale balina okulikuulamu, baliggyemu.

5 Ow'oluganda Roy y'omu ku baazirwanako, nga mwenna bwe mumanyi, aba Ssematalo Ow'okubiri, era yasesebbulwa nnyo amasasi. Era singa tebwali bulungi bwa Katonda, yandibadde takyali mulamu. Baamuteeka wamu n'abafu, okumala ekiseera ekiwanvu ddala; nga emikono gyombi gisensebuse, nga

n'amagulu gabetenteddwa, nga n'emisuwa emikulu gyombi gifudde tegikyakola. Era omusawo yagamba nti, "Bw'anaalama, talisobola kusimbula kigere wadde oluta olumu luti." Naye olw'ekisa kya Katonda, akola buli lunaku, nga awalampa na buli kimu kyonna. Katonda abadde mulungi gy'ali kubanga musajja mulungi, era tumwagala. Kati ffe, fenna—fenna tetu . . .

6 Bwe tutambulira mu bulamu obusaanidde, ekyo tekitegeeza nti tetuutuukibweko mitawaana. Ekituufu kiri nti, kitegeeza emitawaana egya buli ngeri giba gitwolekedde. "Kubanga ebibonoobono by'omutuukirivu bye bingi, naye Katonda amulokola mu byonna." Ekyo kye kisinga obulungi.

7 Kale enkya ya leero tugenda kusaba essaala ey'enjawulo, ku lw'Ow'oluganda Roy. Ssimanyi oba nga ne wano, waliwo omuntu yenna, eyandyagadde okusabirwa, nga wandyagadde okujjukirwa mu kusaba? Nja kubasaba bayimuse emikono gyabwe. Kale. Ekyo kirungi. Leka tuyimirire, bwe muba musobola, nga bwe tusaba.

8 Mukama, tujja leero, ku ntandikwa ya ssabbiiti. Nga enjuba etandika olugendo lwayo, okwetooloola ensi, okusobola okuleeta ekitangaala n'obulamu eri ebintu ebyo bye yateekerwateekerwa okuwa ekitangaala. Era ku ntandikwa y'olukuŋŋaana, nga bwe tuli ekitundu ku Kkanisa Yo, abaayitibwa okukolanga enkuŋŋaana ez'okusabira abalwadde, okuweereza okuwonyezebwa okw'omubiri, okusobola okutuukiriza okwagala n'okuyaayaana kwa Mukama waffe omwagalwa Eyafumitibwa olw'obutali butuukirivu bwaffe, era nga olw'emiggo Gye twawonyezebwa, era tusaba kaakano, ku ntandikwa y'olukuŋŋaana luno, nga lutandika, okuyita mu nnyimba, nga emitima gyaffe gitandika okuyimusibwa, tujjukire, enkya ya leero, ayi Mukama, muganda waffe, omwagalwa era ow'omuwendo, Roy Roberson, omuweereza Wo omwetowaze. Era tumanyi nga wataliza obulamu bwe bwe yali mu lutalo, era nga Obadde mulungi gy'ali. Naye olwa leero ali mu kunyigirizibwa nga ali mu bulumi, tasobodde na kujja ku kkanisa.

9 Naye, ayi Mukama, bwe baali nga basaba mu nnyumba ya Yokaana Makko, waliwo Malayika eyajja mu kkomera, Peetero bwe yali asibiddwa mu kkomera, n'aggula enzigi, mu ngeri eyeewuunyisa, n'amukulembera n'amufulumyayo.

10 Ai Mukama, Okyali Katonda. Bamalayika abo batambulira ku biragiro Byo enkya ya leero. Tusaba, ayi Mukama, nti nga bwe tusaba nga tusinziira wano mu nnyumba ya Katonda, leka Bamalayika bagende mu nnyumba y'Ow'oluganda Roberson. Okuyaayaana kwe kwe kubeera mu kifo kye wano, naye okunyigirizibwa kumuzingirizza wansi. Naye tusaba Bamalayika ba Katonda bamusumulule, awonyezebwe, asobole okukomawo nate mu kifo kye mu nnyumba ya Katonda.

11 Waliwo n'abalala abayise mu mbeera enzibu, ba—babadde balwadde. Tulabye n'omukyala omukadde, abadde agezaako okutuula, ayimusizza emikono gye, n'atagala nga talina maanyi mu magulu. Azze mu nnyumba ya Katonda, asobole okuwonyezebwa. Kikkirize, ayi Mukama, afulume nga atambula n'amaanyi ag'ekivubuka nga omuwala omuto.

12 N'abalala bonna abayimusizza emikono gyabwe, bangi abagiyimusizza, kubanga kyawandiikibwa, era kinokoddwa nti, "Ebibonoobono by'omutuukirivu bingi, naye Katonda amulokola mu byonna." Tusaba tutumbiire waggulu mu kukkiriza, eri emikono egy'okukkiriza, gisobole okutununula okuva mu ndwadde zonna wamu n'okunyigirizibwa. Olukuŋŋaana we lunaggweera, leka waleme kubaawo munafu yenna mu makkati gaffe.

13 Kikkirize, ayi Mukama, nti buli yenna atakkiriza afuuke mukkiriza. Era nga bwe tufumiitiriza ku Kigambo Kyo, tusaba Omwoyo Omutukuvu akikwate era akiteeke mu mitima gyaffe, era akifukirire okutuusa lwe kinaafuuka ekibala ky'Ekigambo. Tukusaba okitukolere, ayi Mukama, nga bwe tukotese emitwe gyaffe nga tukisaba mu Linnya lya Yesu. Amiina.

Musobola okutuula.

14 Nga tetunnayingira mu bubaka bwa lukuŋŋaana lw'amakya ga leero, njagala mbeeko ne kye nneeyongera, okubajjukiza. Bwe wabaawo omuntu yenna anaabeera n'ekiseera eky'okuwummulako okuva ku mulimu, nga wandyagadde okubaayo mu lumu ku nkuŋŋaana ezinaabeera mu Middletown, mu Ohio, ezinaatandika ku Mmande, okumala wiiki yonna, zijja kubeera mu kibangirizi abantu we batera okukuŋŋaanira.

15 Erinnya ly'ekibangirizi ekyo olimanyi, Gene? [Ow'oluganda Gene agamba nti, "Kigambibwa nti ziri mayiro kkumi na bbiri okuva mu Middletown."—Omuk.] Ow'oluganda Sullivan. Middletown kabuga katono, kandiba nga kenkana ne Jeffersonville wano. Ekifo ekyo kifo we bazannyira omupiira gw'ensero. Ow'oluganda Sullivan ye musumba waayo. Ssinga onaabaako omuntu yenna okuva mu makanisa agakkiriza Enjiri Enzijuvu gw'obuuza, nga nkaaga ku go geenyigidde mu kuteekateeka olukuŋŋaana luno, ajja kukulagirira wa ekibangirizi ekyo we kiri.

16 Era nnategeezeddwa nti, wajja kubaayo weema nnyingi ddala mu kibangirizi ekyo, ez'okusuza abantu abandyagadde okubaayo. Era enkuŋŋaana zijja kutandika ku Mmande zikomekkerezebwe ku Lwomukaaga, ennaku mukaaga. Naye tezijja kutuusa lwa Ssande, olw'amakanisa amalala, kubanga balina okuddayo babeere n'enkuŋŋaana zaabwe eza bulijjo. Oba oli awo, wajja kubaayo enkuŋŋaana ez'okuwonyezebwa, manya okusabira abalwadde, buli kawungeezi. Era buli

omu ayanirizibwa. Era zijja kutandika nga 10 Agusito, zikomekkerezebwe nga 15, okuva ku Mmande okutuusa ku Lwomukaaga. Kale bw'onaasangibwa nga oli mu luwummula, era—nga ekiseera kyo eky'okuwummula okuva ku mulimu kituuse, nga wandyagadde okukimalako mu ngeri eyo, weewaawo, tunaasanyuka okubeera naawe.

17 Kati njagala n'okukubiriza abo bonna abatabatizibwanga mu kubatizibwa okw'Ekikristaayo, okusigalawo enkya ya leero bakirowoozeeko. Beetegekere okubatiza okunaatera okubaawo, ndowooza mu ddakiika nga ana mu ttaano okuva kati. Okugenda okukolebwa wano ku kkanisa.

18 Kitukakatako okubeera nga tukubiriza abantu okubatizibwa mu kubatizibwa okw'Ekikristaayo, nga tukimanyi nti kikulu nnyo olw'obulokozi. Kubanga kyawandiikibwa Mukama waffe, omulimu gwe Yasembayo okuwa, omulimu gwe Yasembayo okuwa Ekkanisa. Manya, bwe Yali atuma Ekkanisa, kye yasembyayo, Yagamba nti, "Mugende mu nsi yonna, mubuulire Enjiri eri ebitonde byonna. Akkiriza n'abatizibwa alirokoka." N'olwekyo tukimanyi nti nsonga nkulu nnyo okubeera nti tubatizibwa nga tunnyikibwa.

19 Kale tunaaba basanyufu okutuusa obuweereza obwo gy'oli, eri omuntu yenna akkiririzza ddala mu mutima gwe nti Yesu Kristo ye Mwana wa Katonda, era nti Yafa okulokola aboonoonyi, era nti Yafa kulokola ggwe; era nga wandyagadde okujja obatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo olw'okuggyibwaako ebibi byo; nga otegeeza ensi nti, okkiriza nti ebibi byo bikuggyiddwaako, era nti kati ogenda kufuuka omuyigirizwa wa Mukama waffe Yesu, okole okusalawo kwo.

20 Bw'oba tolina kkanisa ya kukuŋŋaaniramu, tunaasanyuka okukuŋŋaana naawe. Wano tetulinaawo bya bammemba. Lino kkuŋŋaaniro eryaniriza buli muntu yenna, ali mu Mubiri gwa Kristo, okuva mu buli kibiina kya ddiini. Tetusosola mu bibiina by'amadiini. Era twaniriza abantu bonna, si nsonga oba be b'ani, ba langi ki, ba kika ki, oba kikwate ki eky'enzikiriza kye bakkiriza, buli omu ayanirizibwa. "Buli yenna ayagala, jangu." Kale bw'osangibwa nga tolina kkanisa ndala yonna, tunaasanyuka okujja n'okuŋŋaananga naffe. Tewali kintu kyonna kya kwegattako. Jangu buzzi nga enzigi ziguddwaawo, okuŋŋaane naffe. Kye kyokka kye weetaaga; jangu buzzi bw'otyo. Jangu n'omutima omwanjulukufu, oteekemu amaanyi go gonna, otuyambeko nga bwe tufuba okugenda mu maaso ku lw'Obwakabaka bwa Katonda. Kubanga, tukkiriza nti ekiseera, kisemberedde ddala, ebintu byonna ebyayogerwako mu Bayibuli we birina okutuukiririra.

21 Nkakasa bangi ku mmwe mwasoma Khrushchev bye yayogera, eri akakiiko k'ekibiina ky'Amawanga Amagatte, olunaku lwa luli, nga bwe byantegezebwa mukwano gwange,

okuva mu lupapula lw'amawulire olumu e Canada. Yagamba nti, "Bwe wabaayo Katonda, Mwetegefu okuddamu okugogola n'okulongoosa yeekaalu, nammwe ba sitakange abatwaliremu, nga bwe Yakola mu kusooka." Kale kati musobola okutegeera amakulu agakisiddwa mu bigambo ebyo, "Mwetegefu okuddamu okugogola yeekaalu." Kati tekyennyamiza, omuntu akkiririza mu bwa nnaakalyak'ani okwogera ekintu nga ekyo? Naye, yalina ensonga. Ekyo kituufu. Ba sitakange, mu kusooka, be baavaako emitawaana. Ffe ba sitakange.

22 Nnawulira omusumba waffe omwagalwa, Ow'oluganda Neville, nga alina ky'ayogera ku ttivvi ye...manya ku pulogulaamu ye ey'oku leediyo, amakya ga luli, ekyasigala nga kikomawo, mu birowoozo byange. Siyinza kukyerabira. Nnakibuuliddekko ne mukwano gwange, ekiro kya jjo. Era kino kye yayogera, nti walibaawo...Omwoyo Omutukuvu, bw'aliggyibwa ku nsi, nti ekkanisa ey'emikolo obukolo ey'eddiini erisigala egenda mu maaso, nga tebalabawo njawulo yonna. Mwaki, mwa...Ekyo bameka abaakiwulira? Ekyo tekiwuniikiriza? Omwoyo Omutukuvu tebamumanyi, na bwe kityo bw'Aliggyibwaawo tebalikitegeera nti Aggyiddwaawo, era balisigala bagenda bugenzi mu maaso nga bwe babadde. Omuntu asembayo bw'alisibibwaako envumbo n'ayingizibwa mu Mubiri gwa Kristo, balisigala bagenda mu maaso, n'okugezaako okuleeta abantu mu Mubiri ogwo, kubanga ne kye Guli kyennyini tebakimanyi. Na bwe kityo eddiini zaabwe ez'emikolo zirisigala zigenda mu maaso nga bwe zibadde. Kati kiyinza obutannyikira mu mitima gyammwe nga bwe kyannyikira mu gwange, naye amazima gali nti ebyo byali bigambo ebiwuniikiriza okukamala. Nti, baliba buziba nnyo, mu bulombolombo bw'eddiini, okutuusa nti tebaliwulira nti basubwa okubeerawo kw'Omwoyo Omutukuvu, kubanga n'okusooka kwa byonna, tebamanyi kiki ky'Ali.

23 Katonda atusaasire. Ow'oluganda, njagala mbeere mu bulamu buno, era kwe kuyaayaana kwange, ntuuke okubeera nga ne bwe mmunakuwazaamu akatono bwe kati, nga nkitegeera mu mutima gwange. Nga singa nkola ekintu ekimunakuwaza, nkiwulirirawo mu kaseera ako kennyini.

24 Nga oggyeeko, eky'okuba nti Taliiwo; ssaagala kubeera wano nga Taliiwo. Nange mu kiseera ekyo njagala mbeere nga ŋŋenze, yee, ssebo, kubanga waliba tewakyali Musaayi ku ntebe ey'okusaasira. Obudde buliba bukutte omukka ne kazigizigi. Mu kifo ekitukuvu waliba tewakyaliyo Muwolereza, kutuwolereza mu kiseera ekyo. Mukimanyi nti Ebyawandiikibwa bwe bityo bwe bigamba? Ekifo ekitukuvu kyali kinyooka omukka. Tewaaliwo Musaayi ku ntebe ey'okusaasira, mu kaseera ako eriba ya kusala musango.

25 Mu kiseera kino, nga ekyeya kitandika, Mukama bw'anaatuwaayo ebiro nga biibyo ne tubeera n'enkuŋŋaana

ez'okudda obuggya, nnakisazeewo mu birowoozo byange, nga njagala nkwate ku Kitabo ekyo eky'Okubikkulirwa, tukiyigeko, tugendere ddala mu buziba, mu Kitabo ekyo eky'Okubikkulirwa.

26 Kati, leero, mmanyi waliwo bangi abazze, okusabirwa. Era nga woofiisi yange ebadde nzigale olwa leero, manya wiiki eno. Era nga abamu ku bantu ababaddenga bajja, tebafunye kakisa kusabirwa, erudda eyo, kubanga abavubuka babadde bagenze, okuwummulako, okumala olunaku nga lumu oba n'okusingawo. Babeera n'emirimu mingi egy'okukola; balina emirimu gyabwe nga bo, ssaako emirimu gy'ekkuŋŋaaniro, n'essimu ezinkubirwa na buli kimu. Kale bituuka ekiseera ne bikuyitirirako. Kale n'olwekyo eyo y'ensonga. Mmanyi nange mba nnina okubaako ne we ŋŋenda, obw'olumu, ne mbaako ne kye nkola ekyawukana ku bye nkola bulijjo, kale mmanyi nabo, bakyetaaga. N'olw'ensonga eyo, bankubira ne bantegeeza. Ne mbagamba nti, "Ndowooza tekirina buzibu." Kale kati tujja kuba tusabira abalwadde, mu kaseera katono.

27 Naye nnalowoozezza nti tusaanidde tubeeko ne kye tusoma okuva mu Kigambo kya Katonda. Kati bw'oba olina Bayibuli yo, leka tubikkule mu Kitabo kya Isaaya. Njagala nnyo okulaba nga okwata Ekitabo kyo n'okisoma. Nsoma . . . Ne bwe tusomamu Ebigambo nga kimu oba bibiri, era bye tuba tusomye, Kiba Kigambo bya Katonda, Ekitaggwaawo, Ekitafa. Tekiyinza kuggwaawo. Essuula eya 55 eya Isaaya, omutwe gugamba nti, "Obulokozi obutaggwaawo."

> *Mukale, buli muntu alumiddwa ennyonta, mujje eri amazzi, n'oyo* atalina *bigula; mujje, mugule, mulye; weewaawo, mujje, mugule omwenge . . . amata awatali bigula era awatali muwendo.*
>
> Lwaki mmwe *okuwaayo ebigula olw'ebyo ebitali bya kulya? lwaki okuteganira ebyo ebitakkutibwa? mumpulirire ddala nze, mulye ebirungi, n'obulamu bwammwe busanyukire amasavu.*
>
> *Mutege amatu gammwe, mujje gyendi: muwulire, n'obulamu bwammwe bunaaba bulamu; nange naalagaana nammwe endagaano eteriggwaawo, kwe kusaasira kwa Dawudi okw'enkalakkalira.*

28 Njagala okwogerako gye muli, okumala akaseera katono, ku ky'okuyigako ekigamba nti: *Awatali Ssente Oba Awatali Muwendo.*

29 Waliwo ebintu bingi nnyo ebisanyusa abantu mu nnaku zaffe. Waliwo bingi ebisikiriza abantu eri ebyo bye tuyinza okuyita "eby'amasanyu," era nga bikwata ku bantu aba buli ngeri, n'ab'emyaka gyonna.

30 Waliwo ebisikiriza abavubuka, nga amazina ag'omulembe n'obubaga bw'amazina g'okwesuukunda aga rock-and-roll,

n'ennyimba ze balina ezigendera ku mazina ago. Era nga byonna bisikiriza, olw'okwesanyusa.

31 Sifaayo omwana k'abeere nga yakuzibwa mu maka amalungi okwenkana wa, era n'ayigirizibwa okukola ebyo ebituufu; omwana oyo bw'atakkiriza kufuna bumanyirivu bwa Kuzaalibwa mulundi gwa kubiri, ennyimba za rock-and-roll zijja kumukwata omubabiro amangu ddala nga ky'ajje aziwulire. Kubanga, mu ye, yazaalibwamu, okuyita mu butonde, omwoyo ogw'okwagala ebintu eby'omubiri. Ate amaanyi ga ssetaani mangi nnyo, leero, okutuusa nti gavumbagira omwoyo gw'omuto oyo.

32 Kati olwo tegaasingewo nnyo okuvumbagira omuntu omukulu, abeera agaanye Okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri! Kubanga, okuggyako nga obulamu bwo bukyusiddwa, n'okyusibwa era n'ozaalibwa omulundi ogw'okubiri, mu Bwakabaka bwa Katonda, obutonde bwo bujja kusigala buyaayaanira bintu bya nsi, k'obeere musinza otya, okuggyako nga ekyo kikyusiddwa mu ggwe. Osobola okusinza n'okola ebikolwa ebiraga bw'olina eddiini, naye era ebyo bijja kusigala bikyalina amaanyi agakusikiriza, kubanga omuntu ono ow'edda ow'okwonoona awamu n'okwegomba kwe biba tebinnaba kufa mu ggwe.

33 Naye leka lumu Kristo atuule ku nnamulondo y'omutima gwo, ebintu ebyo tebijja kuddamu kukuteganya. Abeera abisingira wala.

34 Ssisobola kwogera linnya lya musajja oyo mu kaseera kano, kubanga ndyerabidde, naye bangi ku mmwe mujja kumujjukira. Bagamba mbu waaliwo ekizinga abasajja kwe baagendanga, ne bateega, ne wavaayo abakazi, nga bayimba. Era ennyimba zaabwe zaali zisikiriza okukamala, okutuusa nti zaawalirizanga abalunnyanja abaabanga basaabala ku nnyanja, mu byombo, okukyama ku kizinga kino. Olwo abaserikale abaabanga bateeze—ne bagwiikiriza abalunnyanja bano nga tebamanyi, ne babasanjaga ne babatta. Kati ne wabaawo omusajja omu ow'ekitiibwa eyayagala okuyita ku kizinga kino. Kye yava agamba abalunnyanja be bamusibe ku nkondo y'ekyombo, era—era—era babeeko ekintu kye bamuteeka mu kamwa, aleme kuleekaana; naye—n'abaako ne bye yazibikira mu matu g'abalunnyanja be, baleme kuwulira, kusaabala kugendayo, kuwulira kuyimba okwo. Olwatuuka abakazi ne bavaayo, nga bazina bwe—bwe baleekaana, bwe bayimba, era, ha, okuyimba kwabwe kwali kuyitirivu, okutuusa lwe yeesumulula eddiba eryali limusibiddwa ku mikono gye, n'aleekaana eri abalunnyanja be nga bw'abagamba nti, "Mukyameeyo! Mukyameeyo!" Naye baali tebasobola kumuwulira, amatu gaabwe baali bagazibikidde.

35 Kale ne batuuka mu kifo ekimu we baali balina okumujja

ku nkondo, oba okusumulula emikono gye, nga naye alina okubaggyamu bye yali abatadde mu matu. Nga bali mu kifo ekyo, aba atambulatambula ku nguudo, yawulira omuyimbi asukkulumye ennyo ku bali be yali awulidde emmanga eri, okutuusa nti bwe baddamu okuyitayo, baamubuuza nti, "Ha, ssebo omutambuze, tuddemu tukusibe nate ku nkondo?"

36 N'agamba nti, "Nedda, temunsiba. Nnina kye nnawulidde ekisingira ewala ennyo bino, okutuusa nti bino tebiriddamu kunteganya."

37 Bwe kityo bwe kibeera eri Omukristaayo eyazaalibwa omulundi ogw'okubiri. Azuula ekintu ekisingira ewala ennyo amazina ga rock-and-roll n'ebisanyusa byonna eby'ensi eno. Asanyusibwa Mwoyo Mutukuvu. Asingawo nnyo, okutuusa nti ensi eba nfu gy'ali.

38 Naye bw'ogenda mu masanyu gano agataliimu nsa, oteekwa okujjukira nti olina okutwalayo ssente nnyingi. Omuvubuka atwala muganzi we mu bubaga buno n'amazina gano, n'ebirala, agenda kusaasaanya ssente nnyingi ddala ku ezo z'akola mu wiiki yonna. N'abantu abakulu abagezaako okunoonya essanyu mu birabo by'omwenge, banywe basobole okwerabira ennaku gye bayiseemu mu wiiki eyo, baba balina okusasula ssente empitirivu. Naye bafunamu ki? Tebalina kye bafunamu okuggyako okulumwa emitima.

39 Ate jjukira nti, lumu olikyanukulira mu maaso ga Katonda. "Era empeera y'ekibi kwe kufa." Tolina kya makulu, ky'okifunamu wano ku nsi. Kiyenzeyenze ekitaliiwo. Okunywa omwenge kujja kukwongerako bwongezi nnaku. Ekibi kijja kwongera bwongezi kufa ku kufa. Empeera yo ey'oluvannyuma kuliba kwawukanyizibwa ku Katonda, emirembe Egitaggwaawo; mu Nnyanja ey'Omuliro. Era mpaawo kintu kyonna ky'ofunamu, okuggyako okufiirwa.

40 Awo Katonda w'ajjira n'abuuza ekibuuzo, "Lwaki musaasaanya ssente zammwe olw'ebyo ebitakuttibwa? Lwaki mukikola?"

41 Kiki ekireetera omuntu okwagala okukikola? Basaasaanya buli kye baba bafunye, kyonna kye baba bayingizza, okugula omwenge, okugulira omukazi bwe bapepeya engoye, oba engeri yonna ey'okwegomba, kw'amasanyu g'ensi.

42 Naye tugambibwa mu Bayibuli, era tuyitibwa okujja eri Katonda, "Era tugule essanyu Eritaggwaawo n'Obulamu Obutaggwaawo, awatali ssente era awatali muwendo."

43 Ebintu ebyo tebisobola kumatiza, era enkomerero yaabyo kufa okw'emirembe Egitaggwaawo. Naye ne bikutwalako ssente zonna z'oba okuŋŋaanyiza, nga oyagala okuba o—ow'akabi mu banno oba acakaza abalala, oba omuvubuka omucakaze, oba kyonna ky'oli, oba omuwala ow'ettutumu, oba kyonna kye kiri. Ne kikutwalako ssente zonna z'oyinza okukuŋaanya, okukikola.

N'oyagala okwambala mu ngeri esingayo okuba ey'omulembe, ne—n'okukola ebintu ensi by'ekola, n'omaliriza nga empeera gy'ofunyeemu kwe kuzikirira Okutaggwaawo.

44 Awo, Katonda n'abuuza nti, "Naye lwaki?" Tulikola tutya ku Lunaku lw'Omusango, bwe tulibuuzibwa, lwaki twakola ebintu ebyo? Tulyanukula tutya? Amerika eno ey'omulembe eryanukula etya, abeeyita eggwanga Erikristaayo? Kyokka nga waliwo ssente empitirivu ezisaasaanyizibwa ku mwenge, mu bbanga ery'omwaka omulamba, okusinga ku ezo ezisaasaanyizibwa ku mmere. "Lwaki musaasaanya ssente zammwe mu bintu nga ebyo?" Kyokka n'osanga nga gavumenti esobola okukusindika mu kkomera, olwa doola ttaano ez'emisolo ku ssente oba oli awo ze wasindika eri ekitongole ekimu ezitaakuŋŋaanyizibwa mu ngeri nnambulukufu bulungi kusobola kuziggyako misolo, okusindika abaminsani emitala w'amawanga. Lumu tulibuuzibwa, "Wakola kyaki?"

45 Tuli eggwanga Erikristaayo, naye waliwo obuwumbi n'obuwumbi bwa ssente ezisindikibwa eri abantu abo erudda eri, be tugezaako okwegulako omukwano. Kati batandise okuzigaana. Ky'ova olaba Khrushchev yagamba nti, "Bwe wabaayo Katonda, Agenda kuddamu aloongoose olubiri lwe nate." Abakaafiiri basobola okwogera ebigambo nga ebyo, okutukwasa ensonyi. Nga kintu ekyennyamiza! Bwe tuva awo ne tweyita Abakristaayo.

46 Katonda yagamba nti, "Mujje, mugule Obulamu Obutaggwaawo, awatali ssente, awatali muwendo." Obulamu, okubeera abalamu emirembe n'emirembe, naye tubukuba amabega ne tumuŋŋoola. Tulikola tutya ku Lunaku luli? Kiki ekiribaawo . . . ?

47 Katonda bw'atuwa eby'okukola, n'atuwa ssente, n'atufuula eggwanga erisingayo obuggaga wansi w'eggulu, Katonda alitubuuza, kye twakozesa ssente ezo. Lwaki tusaasaanya ssente zaffe ku bintu ebitakkusa? Ekyo tekigenda eri ggwanga lyokka, naye kigenda n'eri buli muntu ssekinnoomu; buli muntu ajja kuweebwa, okuviira ddala ku bu simooni, okutuuka ku bukadde bwa doola.

48 Naye n'osanga nga abantu battiŋŋana: nnasoma mu mawulire gye buvuddeko, abavubuka babiri abaali bakola mu kifo gye bayiggira. Omu yalina abaana bataano, nga omulala alina babiri. Nga omu ku bo alina okuyimirizibwa okuva ku mulimu. Kati omu ku bavubuka eyalina abaana ababiri, manyanga eyalina abaana abataano, yawulira nga yeetaaga omulimu guno okusinga munne eyalina abaana ababiri; ne bagenda wamu okuyigga, n'amukuba essasi mu mugongo.

49 Ssente, awo we zituusizza eggwanga lino, eyo y'enneewulira gye zitaddewo, ogwo gwe mwoyo ogumaamidde abantu.

50 Ndowooza mulaba bwe kiri ekikulu ennyo okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri. "Oteekwa okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri." Oteekwa buteekwa. "Mujje gye Ndi, mugule awatali ssente."

51 Tosobola kugamba mbu, "Ssaalina ssente." Teweetaaga ssente yonna. Kikuweebwa buwa.

52 Ffe Abamerika twamanyiira nnyo okusasulira buli kintu. Eyo ye ŋŋombo yaffe. "Ebintu tubisasulira. Ssente tulina." Ne tumansa doola zaffe eri amawanga amalala, n'eri abalala, abakyali abaavu. Bw'oyingira wano, n'olaba abalambuzi nga bayingira, nga bonna balabika bulungi okukamala. Abamerika ne babalabirira. Ssente ezo magoba ag'obukuusa mu maaso ga Katonda. Ssente ezo teziriyinza kusasulira kugenda kwaffe mu Ggulu. Naye buli kintu mu Amerika, tulina okukisasulira.

53 Ogenda mu wooteeri, n'olya emmere. Naye singa kakutanda n'otateeka ssente za kasiimo ku mmeeza, kuwa mukozi oyo abeera akuweerezza, olaba bw'anyinyibala, so nga kkampuni gy'akolera emusasula. Ate akasiimo ako kalina okuba kyenkana nga ebitundu kkumi ku kikumi, oba n'okusingawo, ku ssente z'olina okusasula ez'emmere gy'olidde. Bw'otakikola, omukozi oyo aba ajja kukuyisaamu amaaso akuyite mukodo oba omuntu—ataliiko ky'avaako. Ate nga, asasulwa omusaala. Ku lwange ndowooza kya nsonyi era kiswaza, okukikola. Ndowooza kuba kusalawo kubi nga eggwanga. Nnazzikkuno, nga abantu abalungi, n'ebifo ebirungi, ekintu nga ekyo tebakikkiriza kubaawo. Naye kati omwoyo ogwo gugenda gweyongera okumaamira wonna.

54 Nnali ku lugendo, nga ŋŋenda kukozesa ggaali ya mukka. Omwetissi w'emigugu. . . Nnali nkutte akasawo akatono mu mukono ogumu, nga nkutte n'ensawo endala mu mukono omulala, n'akasawo mwe ntereka obuuma bwange obusala ebirevu nga nkakwatide mu nkwawa, nga ntambula. Omwetissi w'emigugu n'ajja, n'aŋŋamba nti, "Mbikusitulire?"

55 Ne ŋŋamba nti, "Ha, ŋŋenda wali ku ggaali y'omukka, ssebo. Weebale, nnyo." Nnali mbuzaayo, aah, mmita abiri mu musanvu.

56 Kye yava aŋŋamba nti, "Leka mbyetikke," n'abisitula n'abyetikka, n'atambula.

57 Kati, nze bwe yajja, nnalowooza nti oba oli awo a. . . Nnali ndowooza nti bamusasula okukikola, nga nze nja kumuwaayo nga ki—kitundu kya doola. Ndowooza ebintu byange, yamala nabyo, ka tugambe, eddakiika, nga emu; kiringa kuva wano n'ekkuŋŋaaniro lino we likoma, we yasanga eggaali y'omukka. Kye nnava nninnya eggaali y'omukka, okusooka, ne nkyuka ne nkwata ebintu byange. Ne mmuwa ekitundu kya doola.

N'agamba nti, "Lindako katono!"

Ne mmubuuza nti, "Ate kiki, ssebo?"

N'agamba nti, "Nkusitulidde ensawo ssatu!"

Ne ŋŋamba nti, "Yee, ssebo, ekyo kituufu. Ate, buzibu ki?"

58 N'agamba nti, "Ssente ezisembayo wansi ze nsitulira buli nsawo ziri ssente abiri mu ttaano. Kati nkubanja ssente endala abiri mu ttaano."

Mulaba, ogwo gwe mwoyo gw'Ekimerika, buli kintu olina okukisasulira.

59 Weevugemu mu mmotoka yo kakutande egwe mu kinnya, ofune omuntu akuyamba okukusikayo. Beera mwetegefu okusasula, kubanga bateekwa okukusasuza. Emmotoka esika eziba zikwamidde ku kkubo bw'ejja n'ekuggyayo, ate yo ebeera ya kukusaba sente *nnyingi* buli mayiro. Ate bw'aba mulimi, emirundi mwenda ku kkumi, bw'aggyayo ttulakita ye, ziba zijja kusingako awo.

60 Buli ekikukolerwa oteekwa okukisasulira. Buli kimu kyonna "Sasula! Ssente! Sasula! Ssente!"

61 Naye ate ekinnya kyenkana wa ekibi mwe kyakusuula! Ani yali ayinza okukuggya mu kinnya ky'ekibi? Naye Katonda akuggyayo mu kinnya ky'ekibi, awatali ssente, awatali muwendo, nga tewali muntu yenna asobola kukuggyayo.

62 Bw'otasasula bulungi wa mmotoka eyo kasiringi okukuggyayo, obeera ojja kusigalayo mu kinnya. Oteekwa okubeera ne ssente oba si ekyo osigalayo mu kinnya.

63 Naye ekinnya ekisingayo okuba ekibi kye wali oguddemu, ky'ekinnya ssetaani mwe yakusuula, ekinnya ky'ekibi n'obutakkiriza. Katonda awatali kuwalirizibwa ajja kukusikayo mu kinnya ekyo, awatali ssente, awatali muwendo. Naye oli eyo mu kinnya, weevulunga bwevulunzi mu kibi, n'okumukoowoola tomukoowoola.

64 Bw'ofuna abasika emmotoka eziba zikwamye okukuggyayo, ebiseera ebisinga baleeta ogujegere ogunene ne bagukasuka mu kinnya, ne bagusiba ku kyuma ky'emmotoka oba awantu wonna, ne batandika okunyoola. Olwo amaanyi g'emmotoka ne gatandika okusika, mota ne zitandika okwetooloola, ne zikusikayo.

65 Ne Katonda bw'akusanga nga ogudde mu kinnya ky'ekibi, n'akuwulira nga olaajana omukoowoola, Asindika olujegere olwo olwasibibwa okwetooloola Kalivaaliyo, okwagala kwa Katonda, n'aluloba mu mutima gwo, n'ateekawo Amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu, ne gatandika okusika. Ate tolina ky'osasula yadde. Naye ate ne tusigala mu kinnya kubanga tetusobola kukisasulira kuva mu nsawo zaffe. Ffe Abamerika tulowooza tusobola okukisasulira okuva mu nsawo zaffe, naye tosobola. Tekyetaagisa ssente wadde omuwendo gwonna. Tosobola kukisasulira ku kkanisa. Yesu yakisasulira e Kalivaaliyo. Naye abantu kibakwasa ensonyi. Bo bakyagala

mu ngeri yaabwe. Katonda alina engeri gy'olina okukifunamu, era Kya buwa bw'oba onaakitwala.

66 Emirundi egisinga, bwe bakuggya mu kinnya, wenna obeera ojjudde enkwagulo, obeera olina okugenda, mu ddwaliro. Naye nga tebannatandika kukukolako, nga tewali kintu kyonna ekyaabadde okukukolebwako, basooka kubuuza nti, "Ani agenda okusasula ebisale? Bwe tuba ba kutunga biwundu, bwe tuba ba kubiyiwamu ddagala, n'okkukuba obuyiso o— okukutangira okufuna obutwa mu musaayi, yinsuwa kika ki gy'olina?" Nga tebannaba kubaako kintu kyonna kye bakola, ssente ze zisooka ku mmeeza.

67 Naye Mukama waffe bw'akwetooloozaako olujegere Lwe olw'okwagala okwetooloola omutima gwo, n'akusika okuva mu kinnya ky'ekibi, Awonya buli mutima ogumenyese, n'aggyawo buli kibi kyonna. Ebbanja ne lisuulibwa mu nnyanja ey'okwerabira, obutaddamu kujjukirwa nate. "Mujje, awatali ssente wadde omuwendo." K'obeere nga watemebwatemebwa okwenkana wa, k'obeere nga wabetentebwa okwenkana wa, abantu bo ka babeere nga baakola ki, oba k'obeere nga wakola ki, tewali ky'ojja kusasulira. Awonya buli kulumwa mutima kwonna, n'aggyawo ennaku yo yonna. "Yafumitibwa olw'okusobya kwaffe, n'abetentebwa olw'obujeemu bwaffe; okubonerezebwa okw'emirembe gyaffe kwali ku Ye; era olw'emiggo Gye twawonyezebwa." Byonna bya buwa.

68 Naye tetukisembeza, kiri lwakuba twamamirwa omwoyo omukyamu ogutufuga. Twamamirwa omwoyo ogw'eggwanga, omwoyo gw'ensi ne gutufuga, mu kifo ky'okufugibwa Omwoyo wa Katonda, Omwoyo Omutukuvu, oyo atukulembera n'atuluŋŋamya eri Amazima gonna, n'aleetera Bayibuli okubeera ekyo ky'eri.

69 Lumu emabegako eyo, nnali njogera n'omukaafiiri. N'aŋŋamba nti, "Ggwe kirowoozeeko, Mw. Branham. Ku nnaku eno yonna gye tuyitamu mu bulamu, okubeera nga ekintu kyokka kye tulina, ekiraga mbu twalokolebwa, bintu eby'edda ebyawandiikibwa Abayudaaya."

70 Ne mmugamba nti, "O, ssebo, ebyo biyinza okuba nga ggwe bye byokka by'olina, naye nze nnina ekintu ekisinga ku ebyo. Nze nnina Omwoyo w'Oyo eyabiwandiika, abinyweza era n'abituukiriza, buli kimu ku bisuubizo byonna ebikirimu." Ekyo yali tamanyi ngeri ya kukitwalamu.

71 Okiraba, olina okujja n'ogula awatali ssente, n'ogula awatali muwendo. Tolina ky'osasula yadde. Kya buwa eri "buli yenna ayagala, leka ajje." Katonda akusika n'akuggyayo mu kinnya.

72 Nga omusajja eyali ku mulyango ogwayitibwanga Omulungi. Yali yasuulibwa mu kinnya, okuviira ddala mu lubuto lwa nnyina, nga ssetaani yamugongobaza ebigere. Engeri yokka gye yasobolanga okufunamu eky'okulya kwali kusabiriza abantu

abaabanga bayitawo. Era bwe yali atudde ku mulyango ku olwo ku makya, n'alaba ababuulizi abapentekoote babiri nga bajja. Nga ku bombi tekuli alina wadde ennusu, kubanga yagamba nti, "Ffeeza ssirina." Ate ennusu ky'ekitundu kya ffeza ekisingayo obutono. "Ffeeza ne zaabu ssirina."

73 Omusajja alabika yalowooza ekintu ekifaananako bwe kiti. "Tewali nsonga lwaki nzijayo ekikopo kyange." Oba oli awo yali agezaako okutereka ssente ezimala. Yali wa myaka ana, era oba oli awo yali agezaako kutereka ssente ezimala, abasawo bamukolereyo ebisipi, by'asobola okukozesa okutambula, kubanga, ye, yali yagongobala mu bukongovvule. Era oba oli awo kyali kimwetaagisa okubeera ne ssente, ez'okuwaayo, nga abasawo tebannamukolako. Era eky'amazima tewaali nsonga emuggyissaayo kikopo kye eri babuulizi bano abapentekoote abatalina kintu kyonna. Eby'embi, bo . . . baali baavu nnyo, nga kizibu nnyo okubafunako yadde ekinusu.

74 Naye bwe yabatunuulira mu maaso! Omu, yali muto n'endabika ey'ekivubuka; omulala nga mukadde alina n'enkanyanya; era Yokaana . . . era Peetero ne Yokaana bwe baatambula okwolekera omulyango. N'abaako ekintu kye yalaba mu muvubuka oyo. Nga, endabika ye esinga ku ya bulijjo. Yatunula okusuukka enkanyanya n'okukakaalukana, n'akasana k'Eggaliraaya akaali kookezza obwenyi bwa nnamukadde ono omuvubi nga amulabamu "essanyu eritayogerekeka, era erijjudde ekitiibwa." Yalaba ekintu ekyalabika okuba eky'enjawulo.

75 Omanyi, waliwo ekintu eky'enjawulo ekiri ku Bukristaayo, ekireetera abantu okulabika nga banjawulo. Be bantu abasingayo okulabika obulungi mu nsi yonna.

Kati bambi kye yava akwata ekikopo kye n'akissa ebbali.

76 Era omutume Peetero, kubanga ye yali omukulu, n'agamba nti, "Ffeeza ne zaabu ssirina." Amakulu nti, "Sirina ngeri yonna gye nnyinza kukuyambamu, kugula miggo gya balema gino. Ffeeza ne zaabu ssirina, naye kye nnina!" Yali yaakava okugula okuva eri Oyo alina omubisi gw'enjuki n'essanyu ery'enviinyo ey'obulokozi. Yali yaakakomawo, okuva ku Pentekoote, ennaku nga bbiri oba ssatu nga ekyo tekinnabaawo, nga waliwo ekintu ekyali kibaddewo.

77 Omuvubuka kye yava abaguka n'akikubira "amiina" ey'amaanyi, n'amutunuulira mu maaso.

78 Kiki ekyaddirira? Olujegere olwo olw'okusaasira, okulumirirwa kw'Oyo eyagamba nti, "Ne nkwatirwa ekisa abalwadde," Omwoyo oyo y'omu yali asse mu mutima gwa nnamukadde ono omuvubi. Yagamba nti, "Ku bikwata ku ssente, ssirina yadde, naye nnina ekintu ekinaatwala ekifo kya ssente ne kizikubisaamu emirundi kakadde. Era ekyo kye nnina!"

79 Kati mujjukire nti, Peetero yali Muyudaaya, era mu butonde bwabwe, baagala nnyo ssente, naye Omuyudaaya ono yali akyusiddwa. Teyagamba nti, "Ekyo kye nnina, kye nkuguza."

80 Naye, "Ekyo kye nnina, kye nkuwa! Ekyo kye nnina! Ssirina wadde ennusu mu nsawo yange. Sisobola kugula wadde omugaati. Sisobola wadde okugula ekintu kyonna. Sirina wadde essimooni. Naye bw'oba osobola okukikkiriza, ekyo kye nnina, nja kukikuwa kubanga nange nkyampeebwa buwa." Ekyo kye twetaaga. "Ekyo kye nnina, kye nkuwa."

"Kiki ky'olina, ssebo?"

81 "Mbaddeko wamu n'Oyo atunda amata n'omubisi gw'enjuki, awatali muwendo. Nja kukikuwa. Tolina ky'olina kumpa nze okukikuwa. Bw'oba osobola okukikkiriza, nja kukikuwa. Si nga oyo akuguza, naye nga abo abawa obuwa."

82 Kubanga, "Mwaweebwa buwa, nnammwe muwe buwa." Kyali kiragiro ekyamuweebwa Mukama we, ennaku ssatu nga kino tekinnabaawo. "Mugende mu nsi yonna, mubuulire Enjiri. Akkiriza n'abatizibwa alirokoka; n'oyo atakkiriza gulimusinga. Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza: Mu Linnya Lyange banaagobanga emizimu; banaayogeranga ennimi empya; bwe banaanywanga ekintu ekitta, tekiibakolenga kabi; bwe banaakwatanga ku misota, tegiibakolenga kabi konna. Nga bwe mwaweebwa obuwa, nnammwe muwenga buwa." Omuyudaaya oyo yali akyusiddwa.

83 Kye twetaaga mu Amerika kwe kufuna okukyusibwa, kw'Omwoyo Omutukuvu kusobole okutwala ekifo ky'obulombolombo bwaffe obw'eddiini. "Mwaweebwa buwa, nammwe muwe buwa."

84 "Kye nnina, kye nkuwa: Mu Linnya lya Yesu Kristo ow'e Nazaleesi, golokoka otambule"; okukkiriza mu Linnya eryo eritajunguluddwa ery'Omutonzi! Ky'ova olaba yavaawo abuukabuuka nga aleekaana, nga bw'atendereza Katonda!

85 Ha, mumanyi ebintu eby'ekitalo, awo oba oly'awo yali amazeewo emyaka nga amakumi ana, nga agezaako okukuŋŋaanya ssente ezimala okwegulira emiggo gy'abalema, naye n'atayinza. Naye awo wennyini mu kifo we yali tasuubira kintu kyonna, mu kiseera kye yali tasuubira, okuva eri abantu be yali tasuubira, abataalina ke balina yadde, yafuna kye yali yeetaaga. Ndi musanyufu nnyo okuba nti Katonda bw'atyo bw'akikola.

86 Lumu ekiro okuva mu kabinja k'abo, be bayita abatukuvu abeevulunga, gye nnazuula kye nnali nneetaaga, ssente kye zaali tezisobola kugula. Mu kabinja k'abantu, abataasoma, abatali bayivu, abatalina ngoye nnungi kiri awo, nga ate n'okuba, Baddugavu, eyo mu nnyumba emu olumu eyali ebbaala, wansi ku ttaka, gye nnazuula omuwendo, ekintu eky'omuwendo; kaddugala oyo bwe yanneekaliriza mu maaso, n'ambuuza nti,

"Wali ofunye Omwoyo Omutukuva kasookedde okkiriza?" O, kye kintu kye nnali nneetaaga. Nnali ssisuubira kukisanga mu bantu nga abo, naye be baalina kye nnali nneetaaga.

87 Ab'ekibiina ky'Amawanga Amagatte leero, tebayinza kukkiriza kye tulina, naye ekyo kye beetaaga. Khrushchev, n'abalala bonna, beetaaga Kristo, mu kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Ajja kukyusa endaba yaabwe ey'ebintu. Ajja kukyusa abasajja, be bakyawa, bafuuke baaluganda. Ajja kujjawo obuluvu, n'ettima n'enge; ateekewo okwagala n'essanyu, n'emirembe, obulungi n'okusaasira.

88 Weewaawo, mu bifo by'otasuubira, oluusi gy'osanga ky'obadde onoonya.

89 Abaana ba Israeri kiki kye bandiwaddeyo (baalina omunyago gw'ebyo byonna bye baggya e Misiri) emimwa gyabwe bwe gyali gitonnya omusaayi, ennimi bwe zaali zibasowose? Baali basobola okuwaayo zaabu yenna gwe baali bakukumbye ku Bamisiri, okufuna olwendo lw'amazzi amalungi agannyogoga. Abakulembeze baabwe mu ddungu baali babakulembedde okuva ku nsulo emu okudda ku nsulo endala, okuva ku kidiba ky'amazzi ekimu okudda ku nsulo, naye byonna byali bikalidde.

90 Awo ne walyoka wajja, awatali ssente era awatali muwendo! Eddoboozi ne lyogera eri nnabbi ne limugamba nti, "Yogera eri olwazi," ekintu ekisingayo obukalu mu ddungu, ekintu ekitalinaamu yadde ettondo ly'otuzzi. Awo ennyonta yaabwe n'ematizibwa, awatali ssente oba awatali muwendo. "Yogera eri olwazi." Si sasula olwazi, naye "yogera eri olwazi."

91 N'akawungeezi kano Akyali Lwazi. Ye Lwazi mu nsi ekooyesa. Bw'oba oyita mu nsi eyo ekooyesa, yogera eri Olwazi. Teweetaaga kumusasula; yogera bwogezi gy'Ali. Era Ye mubeezi ddala atabulawo mu biseera eby'okulaba ennaku. Bw'oba oli mulwadde, yogera eri Olwazi. Bw'oba olina endwadde y'ekibi, yogera eri Olwazi. Bw'oba okooye, yogera eri Olwazi.

92 Mukiraba, kyalabika nga awataali wantu wonna... Kyalabika nga, bwe waba tewaali mazzi wansi mu bifo awaali ensulo, ne mu lwazi olwo waggulu ku lusozi waali tewayinza kubaayo mazzi. Katonda akola ebintu mu ngeri ekontana n'eyo omuntu gy'alowooza. Olwazi, ekifo ekisingayo okuba ekikalu mu ddungu, naye Yagamba nti, "Yogera eri Olwazi."

93 Olwa leero abantu balimbiddwa nnyo. Balowooza singa bagenda ne basaba essaala zaabwe, ne basasula kabona n'abaako essaala z'abasabira, basobola okugulirira ne bayitawo. Mbu singa babaako ekkanisa ennene gye bazimba awantu awamu, ne wabaawo omuggaga omu n'agiteekamu ssente, naye n'asigala nga atambulira mu buseegu, n'afunayo omuntu amusabira, alowooza mbu ekyo kimala. Katonda tayagala ssente zo za buseegu. Ekintu kyokka ky'Ayagala kwe kwewaayo kwo

n'obulamu bwo okwogeranga Naye. Katonda akuwadde ssente, tozisaasaanyiza ku bintu ebitamatiza. Zisaasaanyize ku bintu ebimatiza. Naye okufuna okumatizibwa okwa nnamaddala, tosobola kukufuna okutuusa nga oyogedde eri Olwazi.

94 Yabaleetera amazzi agawa obulamu, awatali ssente era awatali muwendo. Ne banywa, n'eŋŋamira zaabwe ne zinywa, n'abaana baabwe ne banywa, era ekyali nsulo ekulukutira mu ddungu.

95 Era naye Akyali Lwazi leero, mu nsi eno ekooyesa, eri abantu abazikirira. "Buli amukkiriza aleme okuzikirira, wabula abeere n'Obulamu Obutaggwaawo."

96 Mwekkaanye. Buli kawungeezi tebaalina kweraliikirira mmere. Emmere yaabwe yabaweebwanga buli kawungeezi, nga nsu.

97 Ffe leero tugenda tunoonye omugaati. Bw'oba omusabiriza, n'ogenda wano eno ku dduuka, n'obagamba nti, "Njagalayo omugaati."

98 Atunda ajja kukugamba nti, "Sooka, ondage, ssente zo. Nteekwa okufuna ssente abiri mu ttaano bw'oba wa kufuna mugaati guno."

99 Naye bw'ogufuna kiki ky'oba ofunye? Kino kiba nga kufuna kyakulya, naye obeera ofunye ekisingayo obutono ku ekyo ekiyinza okuva mu ŋŋaano. Baggyamu eki—ekiriisa kyonna, akakuta konna bakasusumbulako, ne bakawa embizzi. Ne batabikamu ekirungo ekibiyamba okwekwata awamu, ne babikuŋŋunta, ne bakolamu omugaati, ogukolebwa engalo encaafu, era enjama, emirundi mingi. Mutera okulaba bye musanga mu migaati gyammwe, oluusi, buviiri, n'ebintu ebitasaana, obubi bw'emmesse, n'ebirala ebya buli ngeri ebigwa mu bifo ebyo gye bakolera mu migaati. Abantu aboonoonyi abalina endwadde z'ekikaba, n'ebiringa ebyo, nga be babitabula. N'omala olaba nga bagikola, oyinza n'obutagulya. Kyokka, nga, ogusasulira ssente zo abiri mu ttaano okugufuna oba si ekyo tosobola kugufuna.

100 Naye Katonda yabaliisanga buli kawungeezi, emigaati egikoleddwa emikono gya Bamalayika; awatali ssente, awatali muwendo. Era, olwa leero, omugaati ogwo gwoleka Kristo, Obulamu obw'omwoyo, eyakka okuva mu Ggulu, okuwaayo Obulamu Bwe.

101 Era buli lunaku, Katonda awa abaana Be, obumanyirivu obuggya. Mujjukire nti, omugaati ogwo bwe baagusuzangawo, gwayonoonekanga.

102 N'ova awo n'owulira omuntu nga agamba nti, "Nze, nnina . . . Nze ka nkubuulire. Nze ndi Muluzalaani. Nze ndi Mupulesibiteriyani, ndi Mubaputisiti. Ndi Mupentekoote," ogwo mugaati ogwayitako ennaku ogwakolebwa emikono gy'abantu.

Kye kyokka kye guli, mujama, era gwakolebwa mikono gya bantu.

103 Naye bw'owulira ku bujulizi obw'obumanyirivu, obusu nti, "Enkya ya leero, bwe nnabadde mu kusaba, Omwoyo Omutukuvu yazzeemu n'abatiza buto emmeeme yange," o, ow'oluganda, eyo Mmere ya Bamalayika. Abaliisa emmere ensu, buli lunaku, okuva mu Ggulu.

> Enkuba ey'emikisa gye twetaaga;
> Weewaawo amatondo ag'okusaasira gatonnya
> okutwetooloola,
> Naye twegayirira kuweebwa nkuba.

104 O, weewaawo, guweereze buggya, okuva mu Ggulu, Mukama, Kristo Omugaati gw'Obulamu. Guteeke mu mutima gwange, ondeetere okunyumirwa Okubeerawo Kwe okw'ekitalo.

105 Mazima ddala, beebaza. Baasiima. N'omusajja yenna oba omukazi yenna azaalibwa Omwoyo wa Katonda, n'afuna Omwoyo Omutukuvu, bulijjo ajja kwebazanga. Ka kibe kiki kyonna ekibaawo, ojja kusiimanga.

106 Nga omulenzi omuto, omuzibe w'amaaso engulu eri mu nsozi, Benny omuto, yazaalibwa. Aba aweza emyezi nga munaana, n'atandika okumera ensenke ku maaso. Bazadde be baali baavu. Baabeeranga mu kayumba ka ttaka waggulu eyo ku kasozi. Era baali bakimanyi nti singa Benny alongoosebwa kisobola okuwonya amaaso ge, n'asobola okulaba. Mu kiseera ekyo yali awezezza emyaka kkumi n'ebiri. Bakadde be baali basobola kufuna mmere na nva bibayisa buyisa mu mwaka. Baali tebasobola kumusasulira kulongoosebwa.

107 Baliraanwa bonna, ne beegatta wamu, abaalabanga omuto Benny nga agezaako okuzannya ne bato banne wabweru, nga muzibe. Nga talaba by'akola. Ne bakomebwako mu mitima. Era buli omu ku bo, omwaka ogwo, n'asimbayo ekirime kimu okusukka ku bye yalimanga. Ne bakola nnyo n'amaanyi mu kiseera eky'omusana. Era bwe baatunda bye baakungula mu makungula, ne bakwata ssente ne bateeka omuto Benny ku ggaali y'omukka, ne bamusindika ewa dokita.

108 Ne bamuloongoosa bulungi nnyo. Era bwe yakomawo, baliraanwa bonna ne bakuŋŋaana ne beetooloola omuto Benny bwe yava mu ggaali y'omukka. Nga amaaso ge amatonotono, gatangalijja. N'atanula okuleekaana wamu n'okukaaba, nga bwatunula mu maaso gaabwe.

109 Omu ku ba kondakita b'eggaali y'omukka n'amubuuza nti, "Mutabani, okuloongoosebwa kwakumazeeko ssente mmeka?"

110 N'agamba nti, "Mukulu, ssimanyi kyenkana wa abantu bano kye baawaayo. Naye ndi musanyufu nnyo okuba nti nsobola okulaba amaaso gaabwe, abo abaasasula omuwendo."

111 Bwe tutyo naffe bwe tuwulira. Simanyi Kyenkana wa Katonda kye yawaayo. Mmanyi kimu Yampa ekisingayo obulungi kye Yalina, Omwana We. Naye ndi musanyufu nnyo okuba n'amaaso gano ag'omwoyo, okusobola okutunula mu maaso Ge ne ntegeera nti Yafa ku lwange. Simanyi Kyenkana wa kye Yawaayo. Tetulina ngeri gye tuyinza kukibalirira. Omuwendo munene nnyo. Siyinza kukugamba bwe gwenkana. Naye nsiima nnyo. Nsiima nnyo, okuba nti, lumu nnali muzibe, naye kati ndaba.

112 Ndi musanyufu nnyo okuba nti ab'eddwaliro lya Mayo Brothers baŋŋamba nti ekiseera kyange kyali kiweddeyo, abasawo bwe baŋŋamba nti sikyasobola kuba mulamu, emyaka abiri mu etaano egiyise, naye na kati nkyali mulamu. Simanyi kyenkana wa Katonda kye yawaayo, naye mmwebaza kubanga ndi mulamu.

113 Lumu nnali mwonoonyi, nga nsibiddwa mu kibi, nga nnina ennyiike, nga ntya okufa. Naye, leero, okufa bwe buwanguzi bwange. Aleruuya! Okufa kuntwala butwazi mu Maaso g'Oyo gwe njagala, nsobole okulaba amaaso Ge. Yankyusa, okuyita mu kunnongoosa, Yatwala omutima gwange n'aguzza buggya. Mmanyi waliwo eky'enjawulo ekyantuukako.

114 Mu lupapula lw'amawulire olumu nga ekiseera ky'obutiti ekiwedde kiyise, olwafuluma e Minnesota, waliwo omulenzi omuto eyakwata akagaali ke n'agenda ku kkanisa lumu ku makya, nga agenda okusoma Ssande sukuulu. Waaliwo n'omuvubuka omulala ku muliraano, nga ye eby'okugenda okusoma Ssande sukuulu tebimukwatako, n'atwala mukwano gwe omuwala ne bagenda okuzannya omuzannyo gw'okuddukira ku muzira. Era omuvubuka yali mukulu, n'alinnya awaali olububi lw'omuzira n'aseerera n'agwa. Ku olwo ku makya yali yasekeredde omulenzi oli omuto bwe yali nga agenda, n'agamba mukwano gwe omuwala, nti, "Abo abasabira mu kkanisa eyo bazoole." Naye bwe yaseerera n'agwa mu muzira ogwali gubotose, mukwano gwe omuwala yali walako naye. Omuwala ye yali awewuka; yasobola okusimattuka. Naye omusajja bwe yavaayo mu mazzi ne yeekwata ku bbalaafu, n'asannyalala, n'abeera awo ku bbalaafu.

115 Muganzi we n'agezaako okumuyamba, naye ate nga azitowa nnyo, ayinza okumenya bbalaafu oli kwe yali yeekutte. Omusajja kye yava alekaana nga bw'agamba omuwala nti, "Ddayo emabega! Ddayo emabega! Naawe ojja kugwaamu, ffembi tubbire." Omusajja n'alaajana, n'akaaba, naye nga tewali ayinza kumuyamba.

116 Nga wayiseewo akaseera, waggulu ku ntikko y'akasozi, ne wajja eyali avuga, akagaali, nga ajja asotta, yali mulenzi omuto nga akutte Bayibuli mu nkwawa. N'awulira okulaajana, n'ayongezaamu emisinde mu kusotta akagaali ke. N'awummuza

Bayibuli ye wansi, n'adduka n'agenda ku muzira. Ne yeewalulira ku lubuto lwe, mu ngoye ze ennungi, okutuusa lwe yatuuka omusajja we yali n'amukwata emikono, n'amusika n'amusika, okutuusa lwe yamuggya mu muzira. N'adduka n'abaako emmotoka gye yayimiriza. Ne bayita ambyulensi ne bamutwala mu ddwaliro.

117 Bwe yamala okusasula ambyulensi, n'asasula n'abasawo olw'empiso ez'okumugema okufuna obuzibu mu mawuggwe n'ebirala, yajja eri omulenzi ono omuto. N'amubuuza nti, "Mutabani, kiki kye nnyinza okukusasula?"

N'agamba nti, "Tewali."

118 Omusajja kye yava agamba nti, "Nnina kukusasula bulamu bwange." Kirowoozeeko. Ssente zaali tezisobola kukisasulira. Bwali bulamu bwe.

119 Bwe tutyo bwe tulina okuwulira eri Katonda. Si kubaako kye tugulirira mbu kituyiseewo; naye tusaanye tuweeyo obulamu bwaffe eri Katonda, kubanga twali tufa nga tubbidde mu kinnya ky'ekibi. Katonda yanneebulunguluza emikono Gye n'ekyambalo kye.

> Nnali nzibira mu buziba mu kibi,
> Nga ndi wala nnyo okuva awali olubalama olw'emirembe,
> Nga nzenna nzijudde amabala g'ekibi okuviira ddala munda,
> Nga nzibira obutaddamu kubbulukuka;
> Naye Mukama w'ennyanja
> N'awulira omulanga gwange bwe nnali mpeddemu essuubi,
> N'ansitula n'anzigyayo wansi mu mazzi,
> Kaakano nteredde ntende.

120 Ammanja okumuwa obulamu bwange. Akubanja okumuwa obulamu bwo. Akubanja okumuwa obulamu bwo, omuweereze; si kubuwaayo kugenda nga weenyumiriza mu kibiina ky'eddiini y'ekkanisa yammwe; si kugenda nga okolokota abalala; naye okugezaako okuweereza n'okulokola abalala, n'okubaleetera okutegeera Mukama waffe Yesu Kristo.

121 Omwana eyazaawa. Mu kumaliriza, ka njogere ku kino. Bwe yali amaze okugalabanja ebintu bye byonna, ebintu bya kitaawe, mu mpisa embi, bwe yatuuka okukomawo eka . . . Yali asula mu kiyumba kya mbizzi, ne yeekuba mu kifuba. Ne yeebuuza nti, "Abaweereza bameka ab'empeera kitange b'alina, abalya ne bakkuta emmere n'okulemwa ne balemwa, nga ndi wano nfa enjala." Watya singa yagezaako okugamba nti, "Simanyi oba nninamu ssente okusobola okusasula kitange (byonna bye nnayonoona bwe nnadduka n'envaayo) bye nnagenda nabyo?" Naye yali amanyi omutima gwa kitaawe, kye yava agamba nti, "Nnaagolokoka ne ŋŋenda eri kitange."

122 Kitaawe teyagambako nti, “Sooka olindeko, mutabani! Ssente zange okomawo nazo?” Nedda. Teyamuliyisa olw’ebibi bye yakola. Yasanyuka busanyusi okuba nti yali akomawo. Yasanyuka okuba nti yali yeekubye mu kifuba, kubanga yali mwana we. Yali mwana we yennyini. Yasanyuka okuba nti yali akomawo eka. Kati, teyawagira kibi kye yakola, naye yasanyuka bwe yeekuba mu kifuba n’agamba nti, “Nnyonoonye mu maaso ga Katonda, ne mu maaso ga kitange. Nnaagolokoka ne ŋŋenda gy’ali.”

123 Era bwe yamulengera, nga akyali walako, n’adduka n’agenda amusisinkana n’amunywegera. N’agamba nti, “Mutte ennyana eya ssava,” awatali ssente. “Muleete ekyambalo ekisinga byonna,” awatali ssente. “Muleete empeta,” awatali ssente, “mugimunaanike ku ngalo ye. Leka tulye, tunywe, tusanyuke, kubanga omwana wange ono yali azaaye kaakano azaawuse. Yali afudde, naye kati mulamu nate. Leka tusanyuke olw’ekyo.”

124 Munzikirize njogere kino, ab’emikwano, nga mmaliriza. Ekintu kyokka ekimatiza, ebintu byennyini ebyannamaddala, ebintu byokka ebirungi ebiriyo, tosobola kubigula na ssente. Birabo eby’obuwa okuva ewa Katonda, okuyita mu Yesu Kristo: obulokozi bw’emmeeme; essanyu. Mujje mulye, era mukkute.

> *Lwaki* mmwe *okuwaayo ebigula olw’ebyo ebitali bya kulya? lwaki okuteganira ebyo* ebitakkusa? *mumpulirire ddala nze, mulye . . . birungi, n’obulamu bwammwe busanyukire amasavu.*
>
> *Mutege amatu gammwe, mujje gyendi: muwulire, n’obulamu bwammwe bunaaba bulamu; nange* ndiragaana *nammwe endagaano eteriggwaawo, kwe kusaasira kwa Dawudi okw’enkalakkalira.*

125 Ebintu byonna ebiwangaala, ebintu byonna ebirungi, n’ebintu byonna ebisanyusa, ebintu byonna Ebitaggwaawo, biba bya buwa, era tobisasulira kintu kyonna. Ku nkomerero y’Ekitabo kino gye kisembera, wagamba nti, “Buli yenna ayagala, leka ajje anywe ku Mazzi ag’ensulo ey’Obulamu, ga buwa,” awatali ssente, awatali muwendo. Lwaki okusaasanyiza ssente zo mu ebyo ebitamatiza, n’oleka ebintu ebyannamaddala ebimatiza, eby’obuwa, ne bikuyitako bityo?

Ka tusabe.

126 Mwenna nga musiriikiridde era nga musaba, waliwo abantu bonna, mu kizimbe kino, enkya ya leero, abatannanywa ku Nsulo eyo, nga okuyaayaana kw’ebintu by’ensi kukyali mu bulamu bwo, nga wandyagadde okukyusa ekifo w’onywera, enkya ya leero, oba engeri gy’osaasaanyaamu ssente zo? Nga oyagala kujja ogule okuva eri Katonda, (awatali ssente, awatali muwendo), omubisi gw’enjuki n’amata, n’essanyu ly’enviinyo? Osobola okuyimusa omukono gwo, n’ogamba nti,

"Nzijukira, Ow'oluganda Branham, nga bw'osaba"? Katonda akuwe omukisa, ssebo. Katonda akuwe omukisa, ssebo. Katonda akuwe omukisa, mwannyinaze. Waliwo abalala abagamba nti, "Nzijukira, Ow'oluganda Branham, nga bw'osaba"?

127 Abamu ku mmwe abavubuka, weewaawo, mmwe abagalabanjizza obulamu bwammwe. E—e—essaawa maama ze yamala nga akusabira, ne taata, okuyigirizibwa kwonna kwe wayigirizibwa, naye nga byonna wabisuula muguluka, n'osalawo okuwuliriza akaama ka ssettaani. Nga kati weegomba nnyimba za nsi, n'ebintu by'ensi. Naye weekubye mu kifuba, nga omwana oli eyazaawa eyali mu kiyumba ky'embizzi. Osobola okuyimusa omukono gwo, mwannyinaze, muganda wange, n'ogamba nti, "Ayi Katonda, nzijukira. Ndeetera okwekuba mu kifuba, enkya ya leero, nzireyo mu nnyumba ya Kitange"? Tolina muwendo gwonna gw'ogenda kusasula. Akusuubira. K'obeere nga wakola kiki kyonna, "Ebibi byo ne bwe biba ng'olugoye olumyuufu, binaaba byeru ng'omuzira; ne bwe bitwakaala nga bendera, binaaba byeru nga ebyoya by'endiga." Waliwo abo abali mu Kubeerawo kwa Katonda, abasobola okuyimusa emikono gyabwe?

128 Abo abalwadde n'abalina ebyetaago, abagamba nti, "Nna—nnagwa mu kinnya. Ssetaani ya—yankola obubi buno. Yaŋŋongobaza era n'andwaza, oba ekintu ekifaanana bwe kityo. Njaayanira, enkya ya leero, olujegere lwa Katonda olw'okukkiriza okukka mu mutima gwange, lunsikeyo okuva mu kinnya kino, nga omusajja oli eyali ku mulyango oguyitibwa Omulungi." Muyimuse emikono gyammwe. Mwenna, buli omu Katonda amuwe omukisa.

129 Mukama, nnyimusa gy'Oli, mu kaseera kano, abo abayimusizza emikono gyabwe, nga basaba okusonyiyibwa ebibi byabwe. Oli Katonda, era ggwe Katonda wekka. Awo wennyini we batudde mu kaseera kano, awo w'Oyogeredde gye bali. Awo w'Obalumiririza nti bakyamu, Ekigambo bwe kizudde ekifo kya Kyo, Omwoyo Omutukuvu bw'atandise okwogera, n'agamba nti, "Oli mukyamu. Kyuka, okomewo eri Katonda Kitaffe." Era bayimusizza emikono gyabwe, okulaga nti baagala okuva mu kinnya ky'embizzi kino eky'ensi, okukomawo mu nnyumba ya Kitaffe, awali buli kimu, nga tebeetaaga kubaako kintu kyonna kye baleeta. Nga omutontomi bwe yakiggyayo obulungi nti, "Mu mikono gyange sirina n'ekimu kye nzijja nakyo, naye ku musaalaba Gwo kwe nneenywereza." Leka bajje, mu bulungi, mu bwetowaze, era balumirizibwe, baweeyo obulamu bwabwe. Olyoke Oleete ekyambalo ekisinga mu byonna; wamu n'empeta, ogibanaanike ku ngalo zaabwe; era obaliise Emmaanu ey'Omwana gw'endiga ogwattibwa. Kikkirize, Mukama.

130 Waliwo abo abalwadde n'abanyigirizibwa. Bali mu bwetaavu. Ssetaani yabasuula mu kinnya, awatali kubuusabuusa, tebalina ssente za kulongoosebwa. Awatali

kubuusabuusa, oba oli awo, bangi ku bo tebayinza kulongoosebwa. Oba oli awo omusawo yali tasobola kusigulayo kikolo kya ndwadde eyo, ne bwe bandibadde ne ssente ezimala. Naye Ggwe oli Katonda. Era nkusaba nti mu kaseera kano kennyini, wansi w'amafuta g'Omwoyo Omutukuvu ali wano kati, Owonye buli omu ku bo. Leka bawonyezebwe, okuviira ddala ku mitwe gyabwe okutuuka ku bigere byabwe, buli wamu wonna.

131 Bwe baba tebalina ssanyu; tebayinza kunyumirwa, bulokozi bwabwe. Nga Dawudi ow'edda, bwe yagamba nti, "Nkomezaawo essanyu ery'obulokozi bwange." Leka bafune essanyu n'okusanyuka, awabadde okunakuwala n'okukoowa, kubanga Ggwe oli Lwazi mu nsi ekooyesa. Oli kifo eky'obuddukiro mu biseera eby'omuyaga. Nga ssetaani abakasukira buli ndwadde na buli kikompola, Ggwe kifo eky'obuddukiro mu biseera eby'omuyaga. Leka kibeere bwe kityo, olwa leero, ayi Katonda, kubanga tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

Mpola n'eggonjebwa Yesu atuyita,
Atuyita ggwe, nange,
Newankubadde twayonoona, y'Alina okusaasira n'okusonyiyibwa,
Okusonyiyibwa kwo nange.

Jangu eka . . .

132 Kati, bw'oba owulira nga oyagala, osobola okujja ku wolutaali n'ofukamira wansi, tusobola okusaba naawe, oba ne tukusiiga amafuta, oba kyonna kye tusobola okukola. Oyanirizibwa.

. . . ggwe akooye, jangu eka;
Yesu ayita, n'eggonjebwa, wamu n'okwagala,
Akuyita, O ggwe omwonoonyi, jangu eka!

133 Mumwagala? Teddy, osobola okutuwa eddoboozi ly'oluyimba olwo, "Mmwagala, mmwagala kubanga Ye yasooka okunjagala." Osobola okulitufunira?

134 Leka tusooke, tuluyimbe olw'ekitiibwa Kye, nga tetunnakyusa ntegeka ya lukuŋŋaana. Kuno kusinza. Obubaka bubuuliddwa. Ndi musanyufu nnyo okuba nti mubusembezza. Nsaba bubakole bulungi, kubanga nange bunkoze bulungi nga mbubuulira. Nsaba nti amafuta ge gamu agampeereddwa, okububuulira gye muli, mubeere nga nammwe mubufunidde mu mafuta ge gamu mwe Bwawerezeddwa. Nsaba Mukama abuwe omukisa mu mitima gyammwe. Kale.

Mmwagala,

Kati muzibirize amaaso gammwe, nga bwe tuyimba. Ka tuyimuse emikono gyaffe.

. . . mmwagala

Kubanga Ye yasooka okunjagala
Era n'asasulira obulokozi bwange
Ku muti gw'e Kalivaaliyo.

135 Kaakano leka tukoteke emitwe gyaffe, tulumuumuunye. Mumwagala? Si Wa nnamaddala eri omutima gwo? Temulaba nga Mukama, alina ekyannamaddala ekimuliko? Mmwagala kubanga Ye yasooka okunjagala, n'akasuka gyendi omuguwa ogw'Obulamu bwe yali e Kalivaaliyo, n'aguloba mu mutima gwange.

136 Temwerabira nti, Ow'oluganda Drummond y'agenda okubuulira gye tuli akawungeezi, akawungeezi nga tusembera. Bw'oba oyagala Mukama, jangu otwegatteko mu kusembera. Mukama nga ayagadde, nja kubeera wano nammwe. Oyo ye mukoddomi w'Ow'oluganda Tony Zabel; Ow'oluganda Thom okuva mu Afirika; mutabani we, muvubuka mulungi; Mukristaayo, omulungi ddala, omunywevu, mubuulizi omuto omulungi.

Kubanga Ye yasooka okunjagala
Era n'asasulira obulokozi bwange
Ku muti gw'e Kalivaaliyo.

137 Kaakano nga tukotese emitwe gyaffe, nga ennanga bw'ekubibwa.

138 Mukama Yesu, twetegekera okuyingira mu lukuŋŋaana olulala, Mukama. Tukwebaza olw'Omwoyo Omutukuvu oyo ayogedde eri emitima gyaffe. Era tuli basanyufu, Mukama, okuba nti kino Wakitukolera. Era leka Ekigambo Kyo kireme kudda gy'Oli nga kyereere, wabula leka Kituukirize ekyo kye Kitumiddwa okukola. Leka Kisigale mu mitima gyaffe ffenna, tutegeere nti ebintu byonna ebyannamaddala era ebiwangaala biva eri Katonda, awatali ssente, awatali muwendo. Kati lwaki tulafuubanira ebintu, ne tukifuula ensonga eri wakati w'okufa n'obulamu, okufuna ebintu ebigenda okuggwaawo? Leka tusseemu amaanyi okweyongera okufuba, ayi Mukama, tulafuubanire ebintu ebitagenda kuggwaawo, bye tutagula na muwendo gwonna. Omuwendo gwatusasulirwa, era twanirizibwa, "Buli yenna ayagala, leka ajje."

139 Wa omukisa ekitundu ky'olukuŋŋaana luno ekiddako. Kikkirize, ayi Mukama. Otusisinkane n'akawungeezi. Wa omukisa okubatiza. Leka wabeewo okufukibwaako okw'ekitalo. Leka abantu bano, abagenda okubatizibwa mu Linnya ly'Omwana Wo omwagalwa, Mukama waffe Yesu, bajjuzibwe Omwoyo Omutukuvu. Leka abantu bano, abayimusizza emikono gyabwe, okwenenya, enkya ya leero, olw'ebibi byabwe, leka bajje, bambale engoye ez'okubatirizibwamu, bayingire mu kidiba, era bakakase ensi nti ebibi byabwe bibasonyiyiddwa. Era babatizibwa, bisobole okusangulibwa mu kitabo. Kikkirize, ayi Mukama.

140 Beera wamu n'Ow'oluganda Drummond akawungeezi ka leero nga bw'aleeta gye tuli Obubaka, obusu okuviira ddala ku Ntebe ey'obwakabaka. Mufukeeko amafuta n'Omwoyo Omutukuvu. Era obeere naffe mu kusembera. Emitima gyaffe ka gibeere nga gitukula era nga mirongoofu, leka waleme kubaawo kucaafuwazibwa kwonna munda mu ffe. Leka Omusaayi gwa Yesu gutulongoose okuva mu bibi byonna. Kikkirize, ayi Mukama. Ggyawo endwadde mu makkati gaffe, era otuwe essanyu n'emirembe. Tukisabye okuyita mu Yesu Kristo. Amiina.

Mwagala . . .

141 Mumwagala? Kaakano muyimuse emikono gyammwe gy'Ali.

Mmwagala
Kubanga . . .

Kati baako akuliraanye gw'okwatako mu ngalo.

. . . yasooka . . . (Russell, mmwagala. Bwe mba wa kufa leero, mmwagala.)

Era n'ansasulira . . .

Kirungi nnyo ekyo, mutambule mukwataganeko mu ngalo.

. . . obulokozi
Ogw'e Kalivaaliyo . . .

Kale, Ow'oluganda Neville, ne ky'ayagala okubagamba. Kale.

59-0802 Awatali Ssente Oba Awatali Muwendo
mu Kkuŋŋaaniro lya Branham
e Jeffersonville, Indiana Amerika

LUGANDA

©2024 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org